**28th February 2016.**

# EKIBI MU DIINI.

**Lubereberye 4:1 -16.**

Nga tweyongera okusomesebwa ku ntandikwa mu kitabo ky'olubereberye era eky'entandikwa, leero tuyingira mu ssuula erimu okweyongera kw'obutyabaga bw'ekibi ekyatandika mu ssuula ey'okusatu, nga bwe tulaba entandikwa y'okuzaala, famile eyasooka, entandikwa y'okusiinza, okutta kw'omuntu okwasooka n'olw'ekyo omussi eyasooka awamu n'omujulizi eyasooka, essuula gy'enneeyongerayo tulabe ezzadde eryasooka, awamu n'okudda eri Mukama okwasooka.

Mu byawandiikibwa byaffe ku mulamwa "Ekibi mu diini", leero tulaba omwana eyasooka bweyagezaako okujja eri Mukama, kyokka n'akomekkereza ng'avudde gyaali. Era mu Yuda 11 tulabulwa obutagenda mu kkubo lya Kayini, kubanga ly'ekkubo ly'obutakkiriza era obujeemu obujjudde obukyaayi, wabula nga Abaebbulaniya 11:2,4,39 bwezigamba tubuulirirwa okutwaala eky'okulabirako kya Abeeri, eyafuna obujulizi obulungi olw'okukkiriza kwe.
*[Tusome lnny.1 – 16.]*

Gyetusookera mu nnyiriri ebbiri ezisooka, mu kumanya kwa Kaawa, tekyategeeza nti yali tamulabanga mmutegeera wabula nti waaliwo okutabagana okw'ekusifu okwo okutegeezebwa mu Baibuli ng'okumanyagana okugwaanidde abafumbo bokka olw'ebigendererwa byakwo ebituukirivu nga mwe muli ebibala by'ezzadde nga bwe tulaba ekyaleesa Kayini ku nsi….era nga bwe gwaali Kaawa mu kusiiima Mukama yasuubira nti okwo kwe kwaali okutuukirizibwa kw'ekyo Mukama Katonda kye yali amugambye mu ssuula 3:15,16, oba oli awo nti banaafuna ku buwerero bw'ekibonerezo eky'abaweebwa olw'ekibi kyaabwe, wadde gyetweyongera tukakasa nti ssi bwe gwaali.
Wano mu bimpimpi, nsaba neetegerezese abazadde eri okwegenderezanga abaggulanda baabwe, awamu naffe ffena abaggulanda(First borns), nti kikulu okubawonga eri Mukama Katonda ng'ababe okubakuuma era okubakuumira mu butuukirivu bwe gyebali lubeerera, kubanga balina enkizo ebalumbisa ennyo

Sitaani mu kufuba kwe okugootaanya obufumbo, amaka, n'obutonde bwa Mukama bwonna.(Kuva 13:2,12-15; 22:29….).

Bw'etutyo mu kulaba emirimu gy'abalenzi bombi n'ekyabaleesa ssaddaaka nga bwe baazireeta eri Mukama, sssi kwe kwaali okutegeeza nti obulimi tebwaali butuufu, ob anti obulunzi bwe bwaali businga obulimi obulungi, kubanga byombi byaali byeetaagisa nnyo eri obulamu bwaabwe, wabula kirina okuba nti Adamu ne Kaawa baali baategeeza batabani baabwe engeri y'okusiinzizaamu Mukama Katonda, okusiinziira ku by'ababaako nga boonoonye eri Mukama Katonda.
Kyokka nga bwe weetegereza Kayini yamala galeeta kiweebwaayo nga bwe yalaba, kyokka okuwaayo kwa Abeeri ne kuba kwa muwendo gyaali…(lnny.4).
Ekyaleesa Mukama okumusiima ng'Abaeb.11:4 bwe lugamba…..

Wano ssikizibu nnyo kulaba kyagaanyisa kiweebwaayo kya Kayini, ssi kuba nti byo byaali bimera kyokka, kubanga ne mu Kuva era ne mu Baleevi Mukama alagira okuleeta kw'ebiweebwaayo ebirime, naye nga Kuva 22:29 bwe lugamba,… kyetutabuulirwa kuba nga Kayini kye yakola, ekiraga omutima gwe obutaba mu kye yali akola, era ekitegeeza obutassa kitiibwa mu Mukama Katonda nga bwe yali agwaanidde……Yeremiya 17:10 lugamba nti "Nze Mukama nkebera omutima, ngezesa emmeeme, okuwa buli muntu ng'amakubo ge bwe gali, ng'ebikolwa bye bwe biri."
Era mw'ekyo mu kisa n'okwagala kwa Mukama okungi bwe tulaba abuulirira Kayini okweetereezaamu, okusinga okubyoonoonera ddala….nny. 6 – 7……

Naye ate Kayini okukakasa nti ddala omutima gwe gwaali guwambiddwa ekibi, yeeyongererayo ddala mu kiruyi ky'obukyaayi n'obuggya ebimuleetera okutta muganda we gwe baakulira awamu. Ate ne Mukama bwadda gyaali yeenenye amulimba bulimbi nti tamanyi gyaali era tebimukwaatako ebibye…lnny.9
Mu Matt.23:35, Yesu Kristo ayogera ku Aberi ng'eyasooka okufiirira okukkiriza kwe ng'omujulizi w'obutuukirivu.
Ekibiviiramu era nga bwe twaalaba mu ssuula ey'okusatu kwe kkolimirwa n'ekibonerezo ekikaabya Kayini, kyokka era mu butabonerera, okukkakana ng'avudde mu maaso ga Mukama….lnny.16.

Bwe tumaliriza ne I Yok.3:9 -12 zigamba nti…..

Bwe tweetegereza Abafalisaayo Yesu be yali abuulirira mu ssuula 23 eya Matayo, n'engeri ebyawandiikibwa by'Abaeb.11, bwe biri, tulaba nti okukkiriza kwaffe mu Mukama Katonda waffe kulina kuba kwa nnamaddala kubanga obukuusa mu kwo butegeeza butali butuukirivu mu kwewaayo kwaffe nga saddaaka gyaali nga bwe tubuulirwa mu Baruumi 12:1,2, ne kinyweeza ekibi mu ffe ekireeta abandi okubulira ddala kyokka nga bayitidde ko ku kkubo ettuufu!